OKUKULA KW'EKKANISA N'OKUDDA OBUGGYA

Okukula kw'Ekkanisa n'Okudda Obuggya: Eby'okusomako

Eby'okuwandiika -

EKIBIINA #1:

I. Okukula kw'Ekkanisa:
   A. Enyanjula y'Essomo.
   B. Okunyonyola Okukulu.
   C. Okukula kw'Ekkanisa mu kitabo kya Bikolwa bya Batume

EKIBIINA #2:

I. Okukula kw'Ekkanisa: (okwongerako.)
   D. Enono Eziriwo kati mu kukula kw'ekkanisa.

EKIBIINA #3:

I. Okukula kwa'Ekkanisa: (okwongerako.)
   E. Ebisinga okusangibwa mu Makkanisa Agakula.[1]
   F. Kiki Ekileetera Ekkanisa Okukula?
   Eky'okulabirako ky'Okukula kw'Ekkanisa.

EKIBIINA #4:

II. Okudda Obuggya:
   A. Engeri Esingira ddala Okuba ey'Amangu Okukuza Ekkanisa, Kudda Buggya.

EKIBIINA #5:

II. Okudda Obuggya: (okwongerako.)
   B. Okuyiga Okuva mu Makko 5:35-43.
   Ekigezo.

OKUKULA KW'EKKANISA N'OKUDDA OBUGGYA

Eby'okuwandiika -

Okukula kw'Ekkanisa n'Okudda Obuggya:Ekigezo

Obubonero 20 Bwoyinza Okufuna mu Bibuuzo Bino

1) Nyonyola "okukula kw'Ekkanisa" (emp. 170, 171).

2) Laga engeri ekirowoozo ky'okuba nti "abakulembeze abakulu mu kkanisa bakwaasa Yesu ekkanisa" gyekiyinza okuba eky'okuddamu eri ekizibu ky'okuva mu kkanisa (emp. 176, 179).

3) Ngeri oba makubo ki ebireeta okudda obuggya? (olup. 185).

Obubonero 10 Bwoyinza Okufuna mu Bibuuzo Bino

1) Wandiika ebintu ebisinga okuba ebikulu bisatu ebiziyiza okukula kw'ekkanisa okusinziira ku ssomo lyaffe erya Bikolwa bya Batume (emp. 171, 172).

2) Mu nyiriri biri oba satu, nyonyola "enono y'ensonda esatu" ez'okukula kw'ekkanisa (emp. 173, 174).

3) Mu bufunze nyonyola era olage enono "y'okuva mu kkanisa (emp. 175, 176).

4) Wandiika ebintu bina ebisinga okulabika era okusangibwa mu makkanisa agakula (emp. 180, 181).

5) Nyonyola "okudda obuggya" (emp. 183, 184).

6) Nyonyola ekintu kimu ekigoberera okudda obuggya (olup. 186).

OKUKULA KW'EKKANISA N'OKUDDA OBUGGYA

I. Ekitundu I: Okukula kw'Ekkanisa.

Eby'okuwandiika -

A. Enyanjula y'Essomo.

1. Okutandika amakkanisa/ekkanisa kugendera wamu n'okukula kw'ekkanisa ng'okuzaala omwana bwekugendera awamu n'okukula kw'omwana oyo. Ekisooka, ekkanisa etandikibwa.Olwo ekkanisa eteekwa okukula. N'olwekyo, essomo lino lyetaaga okuyigibwa n'okusomebwa wamu n'essomo ly'okutandika ekkanisa oba amakkanisa.

2. Mu mpisa z'abazungu, omutwe gw'okukula kw'ekkanisa kufuuse sayansi.

   a. Kino kirina ebirungi ebikirimu.

      1) Tusobola okulaba amakubo agamu.

      2) Tusobola okutandiikawo enono ezimu ez'okukula kw'ekkanisa.

      3) Tusobola era okulaba n'okukozesa enkola ezikakasiddwa ez'okukula kw'ekkanisa.

   b. Nay'ate, okukula kw'ekkanisa okuba sayansi ate kulimu ebibi ebikulimu.

      1) Tuyinza okutandika okulaba ng'okukula kw'ekkanisa kulinga enkola (nga enkola etalina kukyuuka elowoozebwa okuleetawo oba okuteekawo ebirungi).

      2) Ebiseera ebimu ekkanisa esobola okutandika okufanana nga bizineesi.

   c. Okuyigiriza kw'ennaku zino ku kukula kw'ekkanisa kutera okuwa enono "z'ebyobusuubuzi" nga ebirowoozo ebikulu eby'okukula kw'ekkanisa.

      1) **Okuyiiya**--ekirowoozo ky'ekkanisa okuba n'ebika byonna eby'obuweereza.

      2) **Omuwendo Omulungi**—ekirowoozo nti ebikolebwa biteekwa kuba birungi nyo.

      3) **Okulanga**—okukozesa empewo za ladio oba T.V okusitula ekkanisa.

Eby'okuwandiika -

4) **Okuweereza**—Okukwaatibwako olw'ebyetaago by'abantu n'okusisinkana ebyetaago ebyo.

5) **Okubaawo**--(obudde bwonna nga kyetaagisa-- okubeera n'enkiiko mu biseera ebyetaagisa.

6) **Aw'okusimba emmotoka**—okukakasa nti abantu balina ekifo ky'okusimbamu emmotoka zaabwe.

7) **Obwesigwa**—wewaawo yo ebeere wewaawo ne nedda ebeere nedda (kola nga bwogambye okukola).

d. Amazima gali nti enono zino zisobola okuba ez'omugaso enyo olw'okukula kw'ekkanisa. Nay'ate, tetulina kwerabira nti ekkanisa si bizineesi (busuubuzi). Kale katutandike essomo lyaffe n'okunyonyola okumu.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Ekkansia z'empisa (obuwangwa) yammwe ezikula amangu zikozesa nkola ya bizineesi (busuubuzi)? Bwekiba kityo, kiki enkola eyo kyekozewo?

B. Okunyonyola Okukulu.

1. Ekkanisa kigambo kiva mu kigambo ky'Oluyonaani ekklesia.

   a. Ekklesia kiva mu "ek" ne "kaleo" kyakozesebwanga ng'ekigambo ekiyita amaggye gonna okujja gabeeko wegabeera awamu.

   b. Ekigambo “kaleo” kitegeeza “okuyita;” “ek” kitegeeza “okuvaamu.” Nolwekyo, amakulu ag'oku musinji ag' ekklesia be “bayitidwa okuvaayo mu”.

   c. Era kitegeeza "olukungaana", "olukiiko", oba "ekibiina"

   d. N'olwekyo, tulina okutegeera ekkanisa okuba nti "okukungaanira wamu okw'abayitiddwa okuva mu.”

2. Okukula - kitegeeza okugaziwa, okuzimba, okweyongerayo, okugattako, oba okukubaganyamu.

   a. Okuba mu bungi - kitegeeza okweyongerako mu bunene oba mu muwendo (enamba).

b. Okuba eky'omuwendo - kitegeeza okukula mu mpisa (enneyisa) n'amaanyi ag'omunda.

c. Okukubaganyamu - kitegeeza okukula mu kweyongerako.

3. Okukula kw'ekkanisa - kitegeeza okukula, okweyongerako, oba okweyongerako kw'abantu abali mu lukungaana olw'abayitibwa, n'okukula oba okugaziwa okw'obulamu bw'omunda awamu n'empisa (enneyisa) z'abantu abo.

4. Engeri y'okukula kw'ekkanisa esinga okuba entuufu era enongoofu kwekuba nga okukula kw'okuba eky'omuwendo kwekuleeta okukula kw'okuba mu bungi.

   a. Ekyo kitegeeza, nti okukula mu bulamu obw'abo abali mu kibiina kuteekwa buteekwa okuleetawo okukula n'okweyongera mu bungi obw'abantu abajja mu kibiina.

   b. Kino kyekyabaawo mu kkanisa y'Endagaano Empya (Bik 2:46, 47a yaleetawo Bik 2:47b).

C. Okukula kw'Ekkanisa mu Bikolwa Bya Batume.

1. Mu kitabo kya Bikolwa, tulaba ebigenda ewala eby'okukula kw'ekkanisa y'Endagaano Empya.

   a. Emirundi mingi tulaba ebigambo "n'abongerangako" oba "ekigambo kya Mukama ne kyeyongeranga mu maanyi" ebiraga okukula kw'ekkanisa .

   b. Nga tuyiga ebigambo bino, tulaba ebintu ebyavaako okukula kw'ekkanisa.

      1) Bik 2:1-41 (olwa 41)--okubuulira enjiri ennimi; obubonero n'ebyewuunyo.
      2) Bik 2:42-47 (olwa 47)--okuyigiriza; okukungaana; okumenya omugaati; okusaba; obubonero n'ebyewuunyo; okugaba ebyaabwe; okussa ekimu mu byonna; nga batendereza.
      3) Bik 5:1-16 (olwa 14)--okugabana, omusango; ebirabo by'omwoyo; obubonero n'ebyewuunyo.
      4) Bik 6:1-15 (olwa 1, 7)--okuyiganyizibwa okuyigiriza n'okubuulira; entegeka ennungi; obubonero n'ebyewuunyo.
      5) Bik 9:28-35 (olwa 31ne 35)--okuyiggBanyizibwa; okubuulira;okuwonya.

Eby'okuwandiika -

Eby'okuwandiika -

6) Bik 12: 1-24 (olwa 24)--okuyiganyizibwa; obubonero n'ebyamagero; omusango.
7) Bik 14:1-7 (olu: 1)--okuyigiriza; okubuulira; obubonero n'ebyamagero.
8) Bik 16:1-5 (olwo 5)--okuyigiriza; obukulembeze.

9) Bik 19:1-20 (olwa 20)--okujjula Omwoyo; okubuulira okuyigiriza; obubonero n'ebyewuunyo; omusango.

2. Katutunulire ekipande kino wansi (enamba eziri ku kkono zikwatagana na zino waggulu 1-9).

	OKUBUULIRA N'OKUYIGIRIZA	OBUBONERO N'EBYEWUUNYO	EBIRABO OKUBATIZIBWA	OKUGABANA OKUGABA	OKUTENDEREZA OKUMENYA OMUGAATI	OKUSABA	OMUSANGO	OKUYIGANYIZIBWA	OBUKULEMBEZE N'ENTEGEKA ENNUNGI
1	*	*	*						
2	*	*		*	*	*			
3		*	*	*			*		
4	*	*						*	*
5	*	*						*	
6		*					*	*	
7	*	*						*	
8	*								*
9	*	*	*				*		
	7	8	3	2	1	1	3	4	2

3. Byetwakayigako biraga obukulu bw'ebintu eby'enjawulo ebikwaatagana n'okukula kw'ekkanisa. Okusinga tulaba obukulu bwa:

   a. Obubonero n'ebyewuunyo (emirundi 8 mu bintu 9).

   b. Okubuulira n'okuyigiriza (7 mu bintu 9).

   c. Okuyiganyizibwa (4 mu bintu 9).

   d. Omusango (3 mu bintu 9).
   e. Ebirabo n'okujjula omwoyo (3 mu bintu 9).

Eby'okuwandiika

f. Okugabana n'okugaba (2 mu bintu 9).

g. Obukulembeze n'entegeka ennungi (2 mu bintu 9).

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Okukula kw'ekkanisa kukulu mu ngeri ki? Twewaddeyo okusasula omutango okukufuna? Twewaddeyo, eky'okulabirako, okuyiganyizibwa? Twewaddeyo okugabana n'okuba abagabi? Buli muntu ayagala ekkanisa okukula. Naye si buli muntu nti yewaddeyo okusasula omutango! Yogera ku bigambo bino.

D. Enono Eziriwo kati mu kukula kw'Ekkanisa.

1. Enono.

a. Ekkanisa gyeyeyongera okukula, abakulembeze abalala betaaga okutendekebwa.

b. Abakulembze abalala bwebatendekebwa ekkanisa ejja kukula.



Eby'okuwandiika -

c. Waliwo engeri biri enkulu okuteekawo ekyaanya oba ebbanga ly'okukula.

1) Enkola y'okwongerayo (okutandika amakkanisa amalala). Eky'okulabirako, ekkanisa bwekula okutuuka ku bantu 300 ekkanisa empya etandikibwawo mu kitundu ekirala. Enkola eno eyinza okuleetawo okutandikawo "omugendo".

2) "Enkola y'okwongerako abaweereza ababeerawo obudde bwonna ku sitaafu y'ekkanisa. Eky'okulabirako, ku buli bantu abapya 100 abegatta ku kkanisa, ekkanisa egattakko omusumba abeererawo ddala. Ekirowoozo ekiri wano kiri nti omusumba omu tasobola kutuukiriza na kutendeka bantu bonna.

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

2. Enono y'okutuukiriza . Mu Bef 4: 1-16, tulaba okunyonyola kw'engeri ekkanisa (omubiri gwa Kristo) gyenekula.

a. Ekirabo by'obuweereza abatume, bannabbi, ababuulizi, abasumba n'abasomesa biweebwa:

1) Okukozesa ebirabo byabwe mu buweereza.

2) Okutuukiriza omubiri (ng'ekiri wano kwekuzaala obuweereza bwabwe mu balala).

3) Eky'okulabirako omubuulizi alina okubuulira ate n'okutendeka abalala okubuulira.

Eby'okuwandiika -

b. Obumu mu njawukana-- mu Bef 4:16, tulaba nti omubiri gukula nga guyita mubumu mu njawukana.

1) Waliwo omubiri gumu gwokka (obumu).

2) Song'ate waliwo ebitundu bingi mu mubiri ogwo ogumu (enjawukana).

3) Omubiri okusobola okukula, ebitundu byonna eby'enjawulo biteekwa okuba nga byewaddeyo era biteekwa okukkirizibwa okukolera awamu (obumu mu njawukana). Kino kitegeeza biteekwa okuba nga bituukirizidwa(laba 1 Kol 12:12).

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

3. Enkola "y'Okuva mu Kkanisa".

a. Abantu bangi abajja mu kkanisa tebalwaamu. Mungeri yaabwe "bajivaamu nga tewali amanyi". Nekiba nti, kino tukiyita enkola "y'okuva mu kkanisa." Okutoolako kusobola okukomya okukula mangu nyo nga obutagattako.

1) Okutoolako kuno okw'abantu "okuva mu kkanisa kubaawo ngeri ki?

a) Oli ayinza okufuna obutakaanya oba ow'oluganda mu kkanisa ng'amunyiiziza.

b) Oli nga yanyiigira ow'oluganda oba nga yekyaawa.

c) Oli atandika obutabaawo mu kusinza mu kkanisa.

d) Oli alinda alabe oba nga waliwo afaayo enyo okulaba oba okutegeera nti taliiwo.

Eby'okuwandiika -

e) Ekivaamu nga avaawo.

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

2) Ekizibu kino tukijjawo tutya? "Okuva mu Kkanisa" tukugalawo tutya?

a) Okuba n'okwagala abantu-- okunoonyereza kulaze nti okwagala abantu ky'ekisumuluzo ky'okufuna abagenyi abatakomya kukyaala (kino kikwaatagana na kiri abantu abatali balokole kye bagamba nti mu kkanisa temuli nyo kukolagana mu bantu).

b) Akabiina akeyawudde-- emirundi mingi ekkanisa efugibwa era evugibwa akabiina k'abantu akali awo. Akabiina kano tekakkiriza balala kukegattako. N'olwekyo kizibu abalala okufuuka ekitundu ku kkanisa. Okudda obuggya mu kkanisa kuyinza okutandika abantu bano abali mu kabiina kano singa ekkanisa bajita nebajidiza Yesu.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Yiga era oyogere ku kifananyi kino ekiddako ekikwata ku ngeri ekkanisa gyebeeramu abantu ab'okugyenyigiramu.

OKUKULA KW'EKKANISA N'OKUDDA OBUGGYA

Eby'okuwandiika -



Ekiri wano kiri nti ekkanisa ezisinga zirimu:

- Akabiina akeyawudde nga bebavuga ekkanisa (30 ku 100).
- Ekibinja ekikulu eky'abantu abajja mu kkanisa naye nga tebenyigiriza mu bikolebwa mu buweereza bwa kkanisa (60 ku 100).
- Abantu abali ku nsalosalo abajja nebagenda mu biseera ebitali bimu (10 ku 100).
- ensi.

Eby'okuwandiika -

3) Ekisumuluzo ky'okukula kw'ekkanisa kwekusembeza buli kibiina okusembere kumpi ne wakati.

   a) Ekibinja ekikulu nekidda mu kabiina akeyawudde.

   b) Abali ku nsalosalo nebadda mu kibinja ekikulu.

   c) Ensi nedda ku nsalosalo.

4) Engeri y'okola kino kwekutandikawo"amakkanisa agakungaanira mu maka."

   a) Babiri oba basatu ku bali mu kabiina akeyawudde nebakyaaza abali mu kabiina akeyawudde nebakyaaza abali mu kibinja ekikulu n'abo ku nsalosalo 7 oba 10.

   b) Abali mu kabinja akaddukanya emirimu gy'ekkanisa basobola okuyamba mu kusembeza abalala okuyingira mu kutambula n'okuddukanya kw'ebye kkanisa. Bayinza okukola ng'olutindo nga bawa abalala obuvunanyizibwa n'obuyinza.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Yiga era oyogere ku ky'okulabirako kino ku kukozesa okukungaanira mu maka.



(*) Kakiikirira omuntu ali mu kuddukanya kw'ebyekkanisa.
(#) Kakiikirira omuntu ali mu kibiina ekikulu oba ali ku nsalosalo.
Abaddukanya eby'ekkanisa bava mu kabinja kaabwe okugenda bakulembere akabinja k'abakungaanira mu maka. Mungeri eno bakola ng'olutindo ku lwa balala.

c) Ekisumuluzo kwekujjawo akabiina akeyawudde nolyoka buli abadde mu kabiina omuwa okukulembera akabinja akakungaanira mu maka.

d) Okuyita mu mitendera gino enkolagana z'ekkanisa ziba za maanyi. Ekkanisa ebaamu obulamu. Kijja kuleetera omuntu ayagala okuva mu kkanisa okubaako ekimusigaza. Ajja kuba n'enkolagana. Kyangu okuleka pulogulaamu. Kizibu okuleka enkolagana.

Eby'okuwandiika -

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

5) Engeri endala ey'okukomya abantu okuva mu kkanisa kwekukyogerako ku kituuti. Ab'oluganda mu kkanisa batera okubeera n'ebiruyi ku mitima gyabwe. Abakulembeze b'ekkanisa balina okugezaako okusitula n'okuleetawo emikisa gy'okusonyiwagana awamu n'okutabagana. Ekiseera ekirungi ky'ekyo ekkanisa lwekungaana okumenya omugaati (okusembera). Jukira ebizibu tebivaawo... naye, ebizibu bisalibwa magezi okubyewala.

6) Abali mu bukulembeze betaaga bulijjo okuteekawo emikisa oba emikutu egy'okusobozesa okutabagana mu kusonyiwagana okubaawo. Kino kisoboka okubaawo okuyita mu kukungaana n'okussa ekimu. Abantu bwebaba nga balina okukolera awamu, okuweerereza awamu, okuliira awamu, n'okuzanyira awamu baba basobola okumalawo emitawana gyabwe.

7) Tokiriza lugambo kweyongera. Kiba kisingako okuloopa kwonna okubaawo okuleetebwa mu lujjudde.

8) Beera n'enkolagana ennungi n'abasumba b'amakkanisa amalala mu kitundu. Oli bwaava mu kkanisa yo olw'ekizibu ekitamaliddwa wakati we n'owoluganda omulala mu kkanisa, olwo ayinza okugenda mu kkanisa endala. Abasumba b'omu kitundu basaana buli omu ategeeze munne bwebazuula "endiga ebuze."

Eby'okuwandiika -

9) Mu kumaliriza, katusse essira era ku bukulu bw'okubeera awamu n'okukungaana oba okussa ekimu. Abantu bakinoonya. Ekkanisa esaanidde okulaba nti wekiri. Bwekitabaawo, tujja kweyongera okubeera n'abantu bangi abava mu kkanisa mungeri y'obutakwatagana n'obuttassa kimu."

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Yogera ku bibuuzo byonna oba ebigambo ebiyinza okwogerwa ebikwaatagana ku kizibu ky'okukula kw'ekkanisa "eky'abava mu kkanisa".

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Ku buli nsonga eziddirira wansi, yogera ku ngeri ensonga gyekwaatagana n'ekitundu kyo oba empisa zammwe. Bikwaatagana? Eyinza okukola?

E. Ebintu Ebisinga okusangibwa mu Makkanisa Agakula[1].

1. **Okuzimba olw'okukula**--enono eno egamba nti 80 ku 100 ku kifo mu kizimbe ky'ekkanisa bwekiba kijjudde abantu, entegeka okuzimba ekizimbe ekisingawo obunene zirina okutandika (ekigendererwa wano kwekwetegekera okweyongerako okujja).

2. **Entegeka okukyuuka**--okukyuuka mu gavumenti y'ekkanisa n'entegeka kibeere nti ekkanisa ng'eyita mu nkyuukakyuuka n'engeri gyeyetegekamu yo esobole okukyuuka.

3. **Obubinja obutono**--okubeerawo kw'obubinja obutono obw'abantu 10-25 buli kamu obubinja buno bukola nga "obukkanisa obutono"obuli mu kkanisa.

4. **Obuweereza obw'enjawulo**--obuweereza bw'ekkanisa bulimu ate obuweereza bungi obw'enjawulo (okubuulira enjiri, okukyaalira abantu, okuyigiriza, n'ebirala). Buli muntu (omulokole) mu kkanisa yeetaba mu kuweereza okw'engeri (oba waakiri akubirizibwa oba aweebwa eby'okukozesa olw'okuweereza).

5. **Okukola Buli Kimu Nga Kye Kisinga** --kino tekitegeeza kukozesa sente nyingi. Ebintu biyinza okukolebwa obulungi (obwesigwa, okwewaayo, n'amaanyi n'ebirala) awatali kukozesa sente. Emirundi mingi ebirungi oba ebisinga byenyini bikyuusibwamu n'ebintu eby'ebeeyi ebifuula ebintu okulabika obulungi, naye nga biyinza okuba nga tebigasa era bya bwerere.

Eby'okuwandiika -

6. **Okuyigiriza n'okubuulira Baibuli Byegamba**--obuweereza bw'ekkanisa obw'okuyigiriza n'okubuulira buba ku kigambo kya Katonda okusobola okuwa okuddibwamu kwenyini eri ebizibu byenyini eby'obulamu.

7. **Okuweereza eri Abantu aba Buli Myaka**--abaana, abavubuka, wamu n'abantu abakulu bafuna okuddibwamu kw'ebyetaago byabwe okuyita mu buweereza obw'enjawulo gyebali.

8. **Okubeera Omuntu waawo ddala** --abantu balagaana endagaano. Ekkanisa si kitongole. Toteekako kinkumu oba mukono gwo. Wewaayo eri bano oba abantu abalala. Gaba maka.

9. **Okussa Essira ku Bantu**--abantu bebasinga ebintu ebikolebwa obukulu.

10. **Okusalawo okumalirivu**--ekkanisa eba yewaadeyo okukola ebintu mungeri ey'enjawulo. Eba eyiiya. Eba yewaadeyo okwefanana yokka. Erina omwoyo gw'okutandika ebintu.

Eky'okubaganyako Ebirowoozo

Ku buli nsonga eziddirira, yogera ku ngeri buli emu gyekwaatagana n'ekitundu kyo oba empisa zammwe.

F. Kiki Ekileetera Ekkanisa Okukula? (okusinziira ku Dr. Lyle Schaller).[2]

1. Ekkanisa elaba obuweereza bw'Omwoyo Omutukuvu. Ekiririza mu maanyi n'okukola kw'Omwoyo.

2. Essira ku bantu liba lya maanyi. Okuweereza n'okufuluma kw'ekkanisa kuli nyo ku muntu.

3. Ekkanisa erina okwolesebwa. Etunula mu by'omumaaso.

4. Ebiruubirirwa bilagibwa era birambikibwa bulungi. Tewali kutabukatabuka ku kikwaatagana ku kiki ekkanisa kyegezaako okukola.

5. Waliwo okukolagana okw'amazima mu bakkiriza mu kkanisa. Ekigendererwa ky'okukolera awamu ng'omubiri kiteekebwako essira.

6. Ekigendererwa ky'ekkanisa kimanyibwa era kitegerekeka eri abali mu kkanisa. Kirabibwa era kitegerekeka bulungi.

Eby'okuwandiika -

7. Abantu mu kkanisa buli omu yesiga munne. Abantu besiga abakulembeze. Abakulembeze besiga abantu.

   a. N'olwekyo, abantu bewaddeyo okubaako kyebenyigiramu.

   b. N'olwekyo abakulembeze bakkiriza abantu okubaako kyebenyigiramu.

8. Waliwo okukubaganyamu kw'obukulembeze. Obuvunaanyizibwa n'obuyinza biweebwa abalala. Abakulembeze abaggya basituka era nebalekebwa okuweereza.

9. Abantu mu kkanisa bewaayo eri ekkanisa yaabwe. Buli omu yewaayo eri munne. Wabaawo engeri eya maanyi ey'obumu bwennyini.

10. Buli mwaka wayinza okubaawo obuweereza n'entegeka y'ebyokukola ebipya. Obuweereza obutakyagasa bulina okulekebwa bukome. Obuweereza obupya butandiikibwa. Ekkanisa ekola ebintu byetaakola omwaka oguwedde.

Eky'okulabirako ky'Ekkanisa Ekula:

Ekkanisa gyebayita **Church on the Way mu** Van Nuys, California (America) yakula okussukka abantu e 3000 mu bbanga tono. Ngeri ki? Omusumba Jack Hayford awa ensonga zino mwenda ng'ensonga enkulu ezileetera ekkanisa okukula.[3]

1. Okusinza.
2. Okuyigiriza.
3. Okukungaana era okussa ekimu.
4. Okufaayo n'okulumirirwa...okukwaata ku nsonga enkulu.
5. Okukozesa ebitone (talanta) n'ebintu ebiriwo mungeri y'okuyiiya (katemba, okuyimba n'ebirala.).
6. Okubuulira enjiri mu bikolwa (bulijjo okubuulira enjiri mu bikolwa eri abo bobeera nabo).
7. Obubinja obutono obukungaanira mu maka.
8. Obumu.
9. Okwewaayo n'okulaba nti mumaliriza era mukola ekintu kimu kyemuba musazeewo era kyemulambise obulungi okukola.

OKUKULA KW'EKKANISA N'OKUDDA OBUGGYA

Sa Muno Eky'okulabirako Kyo:

Eby'okuwandiika -

II. Okudda Obuggya.

A. Engeri Esinga okuba eya mangu mu kuleetawo okukula mu Kkanisa kwe kudda obuggya.

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Waliwo engeri nyingi ez'okuyigamu okudda obuggya. Okumaliriza essomo lino, tujja kuyiga omutwe gw'okudda obuggya mu ngeri etafanana ngeri ndala zonna. Tujja kulaba ku byawandiikibwa mu njiri (Matayo, Makko, Lukka ne Yokaana) awalaga omuntu eyazuukizibwa (eyazzibwa obuggya). Tujja kubaako olukalala lw'enono z'okudda obuggya mu mwoyo lwetukola (mu buwandiike) nga tuyiga ku kudda obuggya okw'obuliwo mu bya bulijjo. Tusaana tubeere begendereza obutagenda wala nyo ku byetwogera mu ssomo lino ku bikwaata ku kudda obuggya okw'omwoyo. Naye newankubadde, ndowooza tuyinza okukolawo enono z'okudda obuggya mungeri eno.

1. Okudda obuggya kyeki?

   a. Mu dikisonale kinyonyolwa nti; kuddamu bulamu, okuzaamu obulamu ekintu ekitafiiridde ddala.

      1) Tuyinza okussa amaaso oba okutunulira abo abatali bakristaayo.

         a) Mungeri eno, okudda obuggya kwekujja (okumalawo) abantu mu bwakabaka bwa Sitani.

Eby'okuwandiika -

b) Ekitabo kya Yona kituwa eky'okulabirako kirungi. Ekibuga kya Nineve kyafuna okudda obuggya okw'amaanyi.

2) Tuyinza okulaba abo abali mu Kkanisa (abakirstaayo).

a) Mungeri eno, okudda obuggya "kwekuzaawo ennyumba".

b) Ekitabo kya Ezera kituwa eky'okulabirako ekirungi. Ezera akulembera abantu ba lsiraili mu kudda obuggya.

b. Okudda obuggya kwe kubeera nti, oluvanyuma lw'akaseera k'okuba nti tewali kibadde kikolebwa, ekkanisa etandika okulumwa enjala n'enyonta olw'obutuukirivu (Mat 5:6).

1) Enjala y'okubeera omutuukirivu (okudda obuggya kwa sekinoomu).

2) Enjala y'okubeera nti abalala babeera batuukirivu (okudda obuggya kw'okubuulira enjiri).

3) Enjala y'abantu okubeera abatuukirivu (abantu okudda obuggya).

c. Okudda obuggya kitegeeza okuzuukuka. Abadde yeebase naye kati azuukuse (laba Yok 11:11; Mak 5:39, 42). Mungeri eno, okudda obuggya kwekulaba ekitiibwa kya Yesu (soma Luk 9:32; ne Yok 11:40).

2. Omugaso gw'okudda obuggya ki? — kuwa Katonda kitiibwa (laba Yok 11:4).

3. Bukwakulizo ki obuli mu kudda obuggya?

a. Akakwakulizo akamu ku kudda obuggya kali nti tuteekwa okumanya bwetwetaaga Katonda. Kiringa nti waliwo oguyinja ogunene ogulabika nti gunene nyo tegusoboka kujjibwawo (mu maanyi ga buntu). Bwetwelowooza nti tusobola okukola buli kimu kitegeeza tewalibeerawo kudda buggya. Twetaaga okulaba oguyinja ogutasoboka kuvaawo (mu maanyi gaffe) na kuyiringisibwa nga guli ku ntaana (yiga Mak 16:4).

b. Tuyinza okugamba nti akakwakulizo akalala ku kudda obuggya kwe kugonda. Yiga Luk 6:46-49 era ojukire nti okudda obuggya kwe "kuddamu okuzimba ennyumba." Njawulo ki eriwo wakati wa bazimbi bano ababiri mu kitundu kino? Omu muwulize omulala si muwulize omu yakola ng'ekigambo bwekigamba omulala natakola (okugonda wakati w'obujeemu). Tuyinza okugamba nti akakwakulizo akalala ak'okudda obuggya kugonda.

Eby'okuwandiika -

4. Kiki Ekisookawo Okudda Obuggya?

   a. Okulumirirwa kwekusooka okudda obuggya (laba Luk 7:11-15 osse essira ku lwe 13; era laba Yok 11:35).

   b. Waaliwo okudda obuggya mu Galilaaya. Wano tukilaba nti obubonero n'ebyewuunyo byakulembera okudda obuggya (laba Mat 4:23-25).

   c. Obujulizi bw'ebyafaayo by'ekkanisa buli nti okusaba n'olutalo olw'omwoyo byebibadde nga bikulembera okudda obuggya. Mu bigambo ebirala, Katonda akozesa abantu be okubaako kyakola nga tanaba kuleeta kudda buggya.

      1) Mu kudda obuggya kwa Lazaalo manyi kino nakyo kituufu. Yesu yagamba: "Muggyewo ejinja" Yakozesa abantu.

      2) Mungeri elabika nzikiriza kino kyakiikirira olutalo lw'omwoyo olukulembera okudda obuggya (yiga Yok 11:39-41; era lowooza ku ngeri okukkiriza gyekuli mu bino byonna).

5. Makkubo ki Agaleetawo Okudda obuggya?

   a. Twakirabye dda mu ssomo lyaffe ku Luk 6:46-49, nti ekkubo elimu okufuna okudda obuggya kwekuyita mu kugonda oba obuwulize.

   b. Tuyinza okugamba nti okudda obuggya kwekufuna obulamu. Nekiba, nti engeri y'okudda obuggya kwekufiirwa obulamu bwo ku lwa Yesu (laba Mat 10:39).

   c. Twagambye nti okudda obuggya kwekukaliza obwakabaka bwa Setaani. Kino kikolebwa ngeri ki?

      1) Okusooka ateekwa okusibwa. Wano era, nzikiriza, tulaba enono y'olutalo lw'omwoyo nga engeri y'okufuna okudda obuggya.

Eby'okuwandiika -

2) Okusiba Setaani kwekulwana olutalo olw'omwoyo "Kati nno ajja kukaliza ennyumba ye," (yiga Mat 12:29).

d. Eky'enkomerero, katuddemu enono nti okulumiririwa kyekimu ku bireetawo okudda obuggya (Luk 7:13; Yok 11:35).

6. Kiki Ekiddirira Okudda Obuggya?

a. Okugonda oba obuwulize kuleeta era kuvaamu okudda obuggya. Ate era ky'ekiva mu kudda obuggya. Mungeri nti Yusufu yadda obuggya Ekyavaamu kyali nti Yusufu yagondera Katonda (laba Mat 1:24).

b. Ekiva mu kudda obuggya be bantu okusumululwa. Ebirabika by'okufa bijjibwawo (yiga Yok 11:44). Kikulu okugenderera wano nti Yesu akozesa abantu be mu biva mu kudda obugya. Nga bweyagamba, "Muggyewo ejinja", era yagamba, "Mumusumulule, mumuleke agende".

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Ojukira "okudda obuggya" mu Luk 9:32? Peetero, Yokaana, ne Yakobo bazzibwa obuggya nebalaba ekitiibwa kya Yesu. Nga kirungi! Nay'ate soma olunyiriri oluddako. Mu kusanyuka okw'akaseera ako, Peetero, "nga tategeera kyeyali agamba, "yagezaako okusinza Musa ne Eriya kino kyaaava mu kudda buggya.

Obujulizi bw'ebyafaayo by'ekkanisa bubaddenga bwebumu. Emirundi mingi enjigiriza enkyaamu zitandikawo oluvanyuma lw'okudda obuggya okw'amaanyi.

Eky'okulabirako, ekkanisa ya ba Mormon yatandika amangu ddala ng'okudda obuggya kw'emyaka gy'omu 1800 kwakabaawo. Omuntu atwaala ekitiibwa kya Katonda. Obutwa bw'omwoyo buno bujja n'okusendasenda abantu n'ebagulumiza omuntu okusinga Yesu.

Kino kyekyatuuka ku Peetero mu Luk 9:33. Akabi akamu akali mu kudda obuggya kali nti enjigiriza enkyaamu zisobola okujjuza omuwaatwa okudda obuggya gwegutaddewo. Nay'ate, Katonda ayagala okudda obuggya kuveemu kitiibwa kya Yesu kyokka! (Yiga Luk 9:28-36.)

OKUKULA KW'EKKANISA N'OKUDDA OBUGGYA

B. Okuyiga ku Mak 5:35-43.

Eby'okuwandiika -

Omuwandiisi Kyakyogerako:
Makko 5:35-43 erimu nyingi ku nono zetwalabye ku ssomo lyaffe mu kitundu ekisooka. Mu lwa 39 tulina kyetulaba ekinyonyola okudda obuggya. Yesu agamba, "omwana tafudde, naye yeebase" Kyekitegeeza wano kiri nti yetaaga kuzuukusa. Yetaaga kuzzibwa buggya. Ekibuuzo Yesu kyabuuza nga "tabanyonyola" kino kikulu nyo eri ekkanisa leero. Yesu abuuza, "kiki ekibaaziranya n'ekibakaabya?" Kyekitegeeza kiri nti waliwo eky'okuddamu.

Mu bitundu bingi munsi kakaano, ekkanisa yeebase. Tukikaabako. Waliwo okwazirana. Naye Yesu alina eky'okuddamu. Okudda obuggya ky'ekyokuddamu! Tukole ki? Katuyige ekitundu kino okusobola okuzuula. Tujja kulaba nti tuteekwa okulwaana. Tuteekwa okuba n'okukkiriza. Tuteekwa okuwulira ekitukwaatako. Tuteekwa okuliisa.

1. Tuteekwa okulwana (Mak 5:35).

   a. Mu lwa 35, tulaba obwetaavu bw'olutalo olw'omwoyo mu kudda obuggya. Okuva mu ntandikwa lwali lutalo. Setaani agezaako okuyimiriza n'okugaana okudda obuggya nga tekunatandika. Wano tulaba omwoyo gwa Setaani nga gukola:

   b. Genderera okuyingirira (“Awo bweyali akyayogera") sitaani talina mpisa”) .

   c. Genderera obulimba (“Muwala wo afudde”) —kyonna ekigamba nti tewakyaali kisoboka kukolebwa kiba kya bulimba. Setaani mulimba.

2. Tuteekwa okuba n'okukkiriza (Mak 5:36, 37).

   a. Nga bwetwalabye mu Yok 11:40, okukkiriza kukulu nyo mu kudda obuggya. Yesu yagamba, "kiriza bukkiriza" kino kikontana n'obutakkiriza obuli mu Mak 6:6. Awo, tewaali kudda buggya.

   b. Tulaba obwetaavu bw'okukkiriza era mu Mak 5:37. Yesu yateekawo embeera y'okukkiriza. Abo bokka abaalina okukkiriza beyakkiriza okuyingira mu kisenge Naye.

OKUKULA KW'EKKANISA N'OKUDDA OBUGGYA

Eby'okuwandiika -

3. Tuteekwa okuwulira nga tukwatiddwako (Mak 5:40, 41).

   a. Wano twogera ku bwetaavu bw'okukwatibwako (okulumirirwa). Yesu yateekawo embeera y'okukkiriza ng'atwaala abo abamukkiririzaamu. Era yateekawo embeera ey'okukwaatibwako (okulumirirwa) ng'agenda naabo abali baagala omwana. Nga beba kitaawe ne nyina.

   b. Tulaba era engeri okulumirirwa gyekwakola mu kudda obuggya nga bwetwasomye, "Nebayingira omuwala mweyali. Awo n'akwaata omukono gw'omuwala... "Yesu yafaayo nyo okugenda. Yakwaata omukono gwe. Nazibw'obuggya!

4. Tuteekwa okuliisa (Mak 5:43).

   a. Oluvanyuma lw'akaseera akanyuvu, lwaki Yesu yagamba "mumuwe eky'okulya." Kino kiraga ebikolebwa mu buweereza bwa Yesu. Nay'ate, nzikiriza nti wano waliwo ekintu ekigenda ewala. Nga bwonolaba omuntu ng'abadde mulwadde muyi nebatamuliisa nti ajja kufa, bwekiri ne ku kudda obuggya, okudda obuggya okutagobererwa kuyigiriza na kufuula bayigirizwa kujja kufa.

   b. Oba oli awo, ekisinga obubi, okudda obuggya okutaliisibwa kujja kuvaamu njigiriza nkyaamu. Abantu enjala ng'ebaluma tebafaayo kika na nfanana ya mmere gyebalya. Bwetutaliisa kudda buggya, omulala ajja kkuliisa.

Omuwandiisi Kyakyogerako:

Era tulina okwegendereza mu ngeri eno ey'okuyiga Baibuli. Tetulina kwongeramu nga tukwaataganya wakati w'ebyomubiri n'ebyomwoyo. Nay'era, nzikiriza tusobola okuteekawo enono z'okudda obuggya okuva mu ssomo lino. Kaakati tulina okuzikozesa! Bwetunazikozesa obulungi, tujja kulabawo okukula mu bulamu bwaffe Ekkanisa ejja kukula Obukristaayo bujja kukula. Katonda ayagala ebintu bino byonna. Katonda ayagala okudda obuggya. Katonda ayagala ekkanisa okukula. Nay'ate, asazeewo okukozesa ffe okusobola okukikola. Okozesebwa mu nteekateeka ya Katonda ekkanisa okukula n'okudda obuggya?

Okukula kw'Ekkanisa n'Okudda Obuggya: Ekigezo

Eby'okuwandiika -

[1]Byenawandiika mu kibiina, “Principles of Church Growth” course,(Essomo ly'Enono z'Okukula kw'Ekkanisa) Regent University, 1988, lyasomesebwa Dr. Joe Umidi. Nasooka kufuna lukusa okubiwandiika mu ssomo lino.

[2]Lyle Schaller, Growing Plans (Entegeka z'okukula) (Nashville, TN Abington Press, 1983).

[3]Byenawandiika mu kibiina, “Principles of Church Growth” course (Essomo ly'enono z'okukula kw'ekkanisa), Regent University, 1988, lyasomesebwa Dr. Joe Umidi. Nasooka kufuna lukusa okubiwandiika mu ssomo lino.

OKUKULA KW'EKKANISA N'OKUDDA OBUGGYA

Eby'okuwandiika -